# ETTEEKA KU NNYIMBA N'EBIYIIYE



Abayimbi nga bakulembeddwa Sheebah Karungi nga bafuluma Palamenti mu ssanyu ku Lwokubiri.

- **Obuwaayiro obw'enkizo obulirimu**
- **Abayimbi we bafunira ne we libanyigira**

BYA TEOPISTA NAKAMYA NE PATRICK KIBIRANGO

ABAYIMBI, bannakatemba ne bannabitone abalala abayiiya, bakyasagambiza olwa Palamenti eyayisizza etteeka lya ***Copyright and Neighbouring Amendment Bill 2025*** eribawa enkizo okufuna mu biyiiye byabwe.

Etteeka lino okutandika okuteekebwa mu nkola, lirina okusooka okukakasibwa n'okuteekebwako omukono Pulezidenti w'eggwanga. Ebbago ly'etteeka lino lirimu obuwaayiro obuwera okuli n'akomwenda akalagira emikutu gy'amawulire okusasula ebiyiiye nga ennyimba, emizannyo n'ebirala singa zizannyibwa ku mayengo g'empewo, ate nga n'ebbaala nazo zaakusasula okukuba ennyimba.

Abayimbi baaliyo mu Palamenti nga ligenda okuyisibwa ku Lwokubiri nga bakulembeddwa pulezidenti w'ekimu ku bibiina ebibatwala (Uganda National Musicians Federation), Edirisa Musuuza amanyiddwa nga Eddy Kenzo, Sheebah Karungi n'abalala baafuluma Palamenti nga basanyufu.

Ebbago ly'etteeka lino, lyayanjulwa mu Palamenti omubaka Hillary Kiyaga (Mawokota North) amanyiddwa nga Hilderman kyokka oluvannyuma Gavumenti n'erimuggyako era n'emusaba bakwatagane.

Omulundi ogwokubiri, lyayanjuddwa minisita w'ebyamateeka n'essiga eddamuzi, Nobert Mao wiiki ewedde ne litayita oluvannyuma lw'okusika omuguwa ku buwaayiro nga obulagira emikutu gy'amawulire okusooka okusasula ebiyiiye nga tebinnazanyibwa ku mpewo.



Hilderman

Ku Lwokubiri, gwabadde mulundi gwakusatu era lyayanjuddwa minisita w'ebyamawulire n'okuluŋŋamya eggwanga Chris Baryomunsi eyakiikiridde minisita Mao.

### OBUMU KU BUWAAYIRO OBULIRIMU

- Akawaayiro akaasinze okubacamula ke k'omwenda akagamba nti, polodyusa, omuyimbi w'oluyimba olutalina vidiyo n'olulina ateekwa okusasulwa ng'ennyimba ze tezinnazanyibwa ku mikutu gy'amawulire n'abo abazigeegeenya mu lujjudde lw'abantu.

Ennongoosereza eno egenderera okutumbula eddembe ly'okusasulwa abakola emirimu egy'amaloboozi n'ebifaananyi nga bannakatemba n'abà ffirimu okulaba nti, ng'oggyeeko empeera gye bafuna olw'okukwata emizannyo gyabwe, era basasulwa buli lwe bakozesa ebiyiiye byabwe.



Kenzo

- Akawaayiro aka (17) akawagira enkyukakyuka mu katundu 49A nga muno Palamenti yawa nnannyini kiyiiye obuyinza obulagira omukutu gw'amawulire ogwa digito omuli n'emikutu migattabantu okuggyayo ekiyiiye kye kyonna ekiteereddwa ku mutimbagano nga tafunye lukusa oba nga kikozeseddwa mu ngeri gy'atasiimye.

BIRAZE KU P8

# Etteeka ku nnyimba n'ebiyiiye

BIVUDDE KU P7

● Mu kawaayiro akalala, Gavumenti yawabudde nti, singa munnabitone atunda obwannannyini ku biyiiye bye, bya kumuddizibwanga oluvannyuma lw'emyaka 20.

● Kkampuni z'amasimu ezibadde zikozesa ennyimba z'abayimbi ng'oli bw'akuba z'awulira, etteeka lino mu kawaayiro 11 akatundu 39A koogera ku miwendo egy'enkalakkalira egifaanagana egirina okuweebwa abayimbi ate ng'abawandiisi baazo, abayimbi, n'abaddukanya kkampuni z'amasimu bonna bakifunamu.

● Etteeka gwe linaakwata waakuwa engassi etesukka ensimbi za Uganda 50,000,000/- oba okusibwa emyaka egitasukka 10 sinnakindi okuweebwa ebibonerezo byombi.

## Abayimbi n'abafulumya myuziki we bafunira

### OKWEWANDIISA N'ENKOLA YAALYO

Munnakitone yenna etteeka limulagira okwewandiisa n'ekitongole ekivunaanyizibwa okuwandiisa ebiyiiye (Uganda Registration Services Bureau okumanya ebiyiiye bye obutafiirizibwa.

Ku nsonga eno, singa omuntu omulala akusooka ku URSB n'awandiisa ekiyiiye kyo nga ekikye, kijja kuba kiri eri nnannyini kiyiiye okuleeta obujulizi obwenkukunala nti, ddala kikye.

### OKUGEREKA ENSIMBI ZE BANAAFUNA

Ensimbi ze balina okufuna buli ekiyiiye lwe kikozesebwa za kugerekebwa akulira URSB ne minisita w'ebyamateeka n'essiga eddamuzi.

### ENKOLA YA 'ARTIFICIAL INTELLIGENCE' TERIGYOGERAKO

Mu ngeri y'emu Gavumenti yagaanyi eky'okugattika ensonga za tekinologiya omuggya owa AI (Artificial Intelligency) mu nsonga eno n'egamba nti, yaakuleeta etteeka erirunnamya enkola eno

IGNATIUS KAMYA



Rema Namakula, bwe yali ku siteegi ng'ayimbira abacakaze mu 2024.

## Abagoberezi ba myuziki balisunsudde

Abamu ku batunuulizi b'ensonga eza myuziki n'ebiyiiye boogedde ku tteeka lino;

**James Wasula,** yali pulezidenti wa Uganda Performing Rights Society (UPRS) nga kati musomesa agamba nti; Waliwo munnabitone ky'ajja okufunamu n'okufiirwa, naye okufuna kwe.

"Obwannannyini bwa myuziki oba oluyimba bubadde bukoma ku muyimbi naye nga waliwo abalala abalulinako obuyinza okugeza pulodyusa era bonna kati balina okulyako okusinziira ku tteeka.

Mu tteeka lino, kati kiri eri abalala be kikwatako nti, omuyimbi bw'agenda mu sityudiyo, alina okukola endagaano ne balaga ennambika ya ssente bw'eneetambula singa bamala okulufulumya.

Abantu bangi abagenda okufunamu ababadde batafuna naddala abateeka 'obulamu' mu kintu ky'obuyiiya obutali bumu.



James Wasula

### ETTEEKA WE LIBANYIGIRA

Eky'okuwandiisa kikulu nnyo. Omuyimbi alina okuba nga yawandiisa oluyimba lwe ne URSB okufunamu. Mu kuwandiisa, mulimu abayinza okukola n'olukujjukujju ne bawandiisa ezitali zaabwe ne waggyawo kalumannyweera ayinza n'okubatuusa mu kkooti.

**James Propa JP,** omutunuulizi w'ensonga z'abayimbi, ku bubaka bwe yataddde ku mukutu gwe ogwa FaceBook, agamba nti; Bannabitone batunuulidde ensonga bbiri era zirabika nga ze zaasinze okubacamula okuli; layisinsi ya leediyo, TV, amabaala n'ebifo ebirala eby'olukale gye bazannya myuziki. Kya tteeka okuba nga buli luyimba olwali lukubiddwa mu Uganda okuva mu 1993 luwandiisibwa mu URSB era ne lufuna 'code' esobozesa abalondoola okumanya nti, oluyimba lwakubiddwa nga tasasuddwa. Wabula era wateekwa okussibwawo tekinologiya alondoola kino. Waliwo n'enkola ya Artificial Intelligence (AI) mu by'okuyimba etaakooneddwaako kyokka ng'ensangi zino omuntu akozesa AI n'akola omuyimbi ow'amaanyi naye mu tteeka lino, enkola ya AI teriimu era terimukwata.



James Propa



Nina Rose

## Abayimbi boogedde

**Nina Rose :** Nnize Pulezidenti alisseeko omukono nsanyukire ddala. Naye nneebaza omubaka Kiyaga olw'okutwalayo ebbago eryo.



**Pius Mayanja (Pallaso):** Tugenda kutandika okufuna ennyo mu nnyimba zaffe beebuuze bwe tukikola.



**Jovan Luzinda:** Abayimbi abatandika okuyimba, be bagenda okufuna mu tteeka lino kuba tubatemedde omusingi.



**Fred Ssebata:** Mbadde nsanga abantu abasolooza ku nnyimba za Ssebatta ku mikutu migattabantu naye kati obuyinza bwonna buddidde bannannyini bintu.



**Willy Mukaabya:** Bye tukoze bizimba eggwanga naye abamu batunyooma kuba tetubadde na bwannannyini ku bintu byaffe. Kati tubufunye era ndi musanyufu.